# Ab'e Kawempe beeraliikirivu ku Bacongo n'obucaafu

Bya MOSES LEMISA


BANNANSI ba Congo abali mu Kawempe batadde abatuuze n'abakulembeze ku bunkenke nga bagamba nti wadde Uganda yaggadde ensalo yaayo ne Dr Congo olw'ekirwadde kya Ebola, naye omuwendo gwabwe gweyongedde mu kitundu.

Mu kiseera kino, Minisitule ey'ebyobulamu yaakakasa abantu 15 okusangibwamu Ebola ng'abasinga bannansi ba DR Congo ate abalala 668 bali mu kulondoolwa olw'okubeekengera nti bandiba nga baasiigibwa.

Ssentebe wa Dobi zooni mu muluka gwa Makerere III, Paul Mukwaya yagambye nti mu kitundu abaddde ne bannansi ba Congo ng'ekirwadde tekinnabalukawo wabula kati asobeddwa kuba buli lukya omuwendo gwabwe gweyongera.

Yagasseeko n'abuuza nti bw'eba ensalo ya Congo ne Uganda yaggaddwa aba Congo bano bayita wa okutuuka wano nga kati mu muzigo gumu basulamu abasoba mu 10 kyokka ng'abamu bw'obatunuulira oyinza obutabaawula n'abantu abalala. Ng'oggyeeko ensonga y'Abacongo, abatuuze bagamba balina ekizibu ky'obucaafu

Meeya wa Kawempe, Emmanuel Sserunjogi yategeezezza nti bagenda kukola ekisoboka okulaba nga basomesa abantu ebivaako ekirwadde kya Ebola. Yayongeddeko nti ne mu bitundu ebimu bagenda kulaba engeri gye bayambako bannannyini mayumba okunuuna mu kaabyonjo, emyala okugogolwa ng'abantu balina okujjumbira bulunsibwansi ng'ebitundu ebisinga okuba obubi mu bucaafu kuliko; Mulago, Bwaise, Katanga, Kanyanya n'ebirala.



Ssentebe Mukwaya



Abatuuze b'omu Ddobi zooni nga balaga emu ku kaabuyonjo eyazimbwa ku mwala ng'enkuba bw'etonnya bagita n'eyiwa mu mwala.

## Kye bagamba

**Dennis Nyombi:** Buli kifo kya nzigotta mu Kampala wano, Abacongo bayingirawo kiro tetumanyi oba bayita wa okutuuka wano. Kitutiisa nti tusobola okufuna ekizibu.

**Sauda Nagujja:** E Kawempe tuli ku bunkenke ku kasasiro kati abatuuze bamukuumira ku miryango tewali mmotoka zimuyoola simmanyi abakulembeze baffe kye baliko.

**Ronald Mutesasira:** Ng'oggyeko Abacongo okuyingira eggwanga mu bukyamu naye n'obucafu bungi mu bitundu byaffe. Kaabuyonjo zikulukutira mu myala ne kazambi mu nguudo tusaba ab'ebyobulamu okusitukiramu.